# Bawadde obujulizi ku basawo ababayisa obubi

Bya PHIONA NANYOMO



Abakulembeze n'abasawo ku ddwaaliro ekkulu ery'e Masaka. Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

ABALWADDE n'abantu abalala abakozesa eddwaaliro ekkulu e Masaka bawadde obujulizi ku basawo ababatulugunya, enguzi n'embeera embi eri mu ddwaaliro lino.

Balumirizza abasawo olw'okubalagajjalira n'abamu ne batuuka okufa olw'okubakanda ensimbi ng'atazirina takolwako!

Baabyogeredde mu lukiiko olwatuumiddwa 'Balaza' olwategekeddwa abakulira eddwaaliro lino n'ekigendererwa eky'okutema empenda ku ngeri gye banaamalawo ebisoomooza abalwadde n'abasawo mu ddwaaliro lino ate n'okuteekawo enkolagana wakati w'abalwadde n'abasawo.

'Balaza' yabaddemu abalwadde, abasawo, abakulembeze ku mitendera egy'enjawulo ne bannaddiini.

Kyokka abasawo mu kwewozaako, baagambye nti, abalwadde abamu tebagoberera mitendera mwe balina okuyita okufuna obujjanjabi ate abalala bagenda okutuuka mu ddwaaliro nga baweddeyo! Baalumirizza abalwadde okubabbako ebintu nga amasimu, kompyuta, emmotoka ne nnamba puleeti nga bazze okujjanjabwa.

Akulira abasawo abakugu mu kuzaalisa mu ddwaaliro lino, Dr. Gonzaga Ssenyondo yategeezezza nga bwe bakyalina okusoomoozebwa olw'omuwendo gw'abaana abafiira mu mbuto nga bakooye okweyongera n'abo abazaalibwa nga tebannatuuka. Wabula kino yakitadde ku bamaama abeeyunira bamulerwa ne baleetebwa mu ddwaaliro nga baweddeyo.

Amyuka akulira eddwaaliro lino, Dr. Mary Nyantaro yategeezezza nti, balina ekizibu ky'ebbula ly'abasawo n'eddagala n'abantu okwesenza ku ttaka ly'eddwaaliro.

Amyuka RCC wa Nyendo Mukungwe, Mariam Kaberuka yagambye Gavumenti egenda kwongera ku nsimbi z'ewa eddwaaliro okugula eddagala. Yalabudde abasawo abeenyigira mu buli bw'enguzi nti teri agenda kubattira ku liiso.